# Etteeka eriwa abayimbi ssente liyisiddwa



Abayimbi nga bafuluma palamenti eggulo. Kozesa Video app olabe vidiyo.

ABAYIMBI, bannakatemba ne bannabitone eggulo baagenze mu Palamenti mu bungi bwe yabadde eyisa etteeka lya ***Copyright and Neighbouring Amendment Bill 2025*** eribawa enkizo okufuna mu biyiiye byabwe. Ebbago ly'etteeka lino lirimu obuwaayiro obuwerako okuli n'akomwenda akalagira emikutu gy'amawulire okusasula ebiyiiye byabwe ng'ennyimba singa zizannyibwa ku mayengo g'empewo. Wiiki ewedde, ebbago lino lyaleetebwa minisita w'ebyamateeka n'essiga eddamuzi, Nobert Mao eyategeezezza Palamenti nti ennongoosereza mu bbago ly'etteeka lino zitunuulidde okulaba ng'abantu abali mu mulimu gw'okuyimba, bannakatemba, abasiizi b'ebifaananyi, abawandiisi b'obutabo n'abalala basasulwa mu biyiiye byabwe.

Palamenti mu lutuula lw'eggulo yakkaanyizza ne Gavumenti ku ky'okusasuza abantu abakozesa ebiyiiye bya bannabitone. Munnakitone okuganyulwa mu nnongoosereza eziyisiddwa, kimukakatako okusooka okuwandiisa ekiyiiye kye mu kitongole kya URSB. Abayimbi abawerako nga bakulembeddwa Eddy Kenzo baabaddewo era baafulumye Palamenti nga bayimba oluyimba lwa Pasita Wilson Bugembe nti; *'Katonda y'abadde mu eno ensonga'*.